# Asiika Obulamu




Erimu ku ddagala erikkakkanya akawuka ka siriimu.

# ENGERI Y'OKUKOMYA OKUSOSOLA ABALINA AKAWUKA KA SIRIIMU

Bya HARRIET NAKALEMA

NGA twolekedde okukuza olunaku lw'akawuka ka siriimu mu nsi yonna nga December 1, abakugu bafubye okutema empenda okulaba ng'akawuka ka siriimu kalwanyisibwa mu Uganda kasobole okufumwa, era bingi ebikoleddwa okutuukiriza ekiruubirirwa kino.

Omwaka guno omulamwa ogwatunuuliddwa gwa kulaba ng'obulwadde bwa siriimu bufuuka ng'obulala bwonna nga tebukyali bwa ntiisa.

Ekimu ku bintu ebibufuula okulabika nga bwa bulabe ekisusse kwe kusosola, okusonga emimwa n'ennwe mu balina akawuka ka siriimu ekibeekyaya n'abamu okutuuka okwetta.

Wabula nga singa okusosola kulwanyisibwa, abalina akawuka ka siriimu nga bali ku ddagala kyangu nnyo okubulaba ng'obulala bwonna okugeza obwa ssukaali, puleesa, n'endala.

Omukugu mu kubudaabuda abantu abalina akawuka ka siriimu ku ddwaaliro lya Bulondo Health Center III, Grace Nazzinda Bbanda agamba nti, endowooza enkyamu ku kawuka ka siriimu etambulira wamu n'okusosolebwa. Annyonnyola ku ngeri okulwanyisibwa kw'okusosola bwe kuyinza okuyamba mu kufuula siriimu endwadde eya bulijjo:

Okusosolebwa kusobola okubeera mu muntu akosebwa (alina akawuka ka siriimu), oba okuva mu bantu abamwetoolodde abamwewala n'okumusongamu emimwa.

## BW'OMALAWO OKUSOSOLEBWA

- Okumanyisa abantu ku bikwata ku kawuka ka siriimu byonna basobole okuyamba n'okubudaabuda abo abakalina ate nabo nga bwe bakeekuuma obutakwatibwa.
- Abantu okutegeezebwa nti, si buli afuna akawuka ka siriimu nti, akaggya mu kwegatta n'abantu ab'enjawulo mu nkola ey'obwenzi olwo ne bamusalira omusango. Wabula balina okukitegeera nti, amakubo mangi akawuka kano mwe kayinza okukwatira omuntu era nga nabo tebeeyibaala. Noolwekyo mu kumanya kino, bakendeeza okusosola abantu abo abakalina ne babayamba okusituka n'okumanyiira embeera gye bayitamu ekifuula obulwadde buno obwabulijjo.
- Buli muntu asaana okuvaayo n'ayogera ku kawuka ka siriimu n'okugabanira awamu ku bikakwatako n'abo abakalina olwo bawulire nga tebasosolwa era bawaniriddwa abantu abalala. Kino kibayamba okubeera mu bitundu nga tebeetya ate n'okutuukiriza ebibagambibwa abasawo obulwadde buleme okubakugira okwekolera n'okwebeezaawo ng'abalwadde abalala bonna.
- Wandibaddewo okukyusa enkola mu ngeri amalwaliro gye gaweerezaamu. Okugeza obusenge obulambibwa nga bw'abo abalina akawuka ka siriimu ne buggyibwawo kubanga bukosa era ne bwennyisa abajja okujjanjabwa emitima ne balabira ddala nga bo endwadde yaabwe ya ntiisa, so nga kisoboka okubeerawo n'akawuka ng'abantu abalala bonna abalina endwadde ez'olukonvuba.
- Nazzinda annyonnyola nti, gavumenti erina enkola gye yaleeta egamba nti, buli mulwadde alina kulabibwa nga omuntu alwadde obulwadde obulala nga omusujja era engeri gye bakola ku mulwadde w'omusujja gw'ensiri erina kubeera y'emu n'ey'omulwadde alina akawuka ka siriimu, ng'ekigendererwa kwe kulaba nga ne siriimu atwalibwa nga endwadde endala.
- Nazzinda agamba nti, walina okubaawo enkola ey'okusomesa abantu bano engeri y'okwesiima n'abantu ababeetoolodde olw'ebintu eby'enjawulo bye babeera batuuseeko mu bulamu. Okugeza abo abafumbiddwa, abazaalibwa nabwo n'ebirala ne kiyambako abantu bano obutalowooza ku bulwadde bwokka, wabula n'okwenyumiriza mu ngeri gye basobodde okubeezaawo obulamu bwabwe.
- Wateekeddwa okubaawo amateeka agakuuma abantu abalina akawuka ka siriimu kuba babeera basosolebwa naddala abo abanoonya emirimu. Abamu bwe bakizuula ng'abulina omulimu tasigaza, era ng'amateeka ago gabeera ga kubayambako mu kufuna obwenkanya wamu n'okukendeeza ku kusosola bantu bano.
- Weetaaga bulijjo okubaawo okuwaanyisiganya n'okukubaganya ebirowoozo ku kawuka ka siriimu mu bakalina n'abatakalina okubalaga nti, baanirizibwa mu bitundu ate balwadde ng'abalala bonna ababeera mu malwaliro, noolwekyo si ba njawulo.



Grace Nazzinda Bbanda.

## Abantu kye bagamba



**Joshua Guma, Luzira : Okutwala obulwadde bwa siriimu nga obulala bwonna kitandikira mu muntu abeera n'omuntu awangaala n'akawuka kano, okulaba ng'amuzzaamu amaanyi kimuleetere okumanya nti, tali yekka ate afiibwako.**



**Judith Ssanyu Kawala : Wadde waliwo ensonga y'okulaba nga obulwadde buno butuuka ekiseera ne butwalibwa nga obulwadde obwabulijjo, abantu tusaanye okubeera obulindaala nga twekuuma okulaba nga tebusaasaana kubanga buluma.**



**Veronica Namwanje, Mutundwe : Omuntu yenna alina obulwadde obuleetebwa akawuka ka siriimu, alina okulabirirwa ennyo kuba abantu abo beekyawa ate naffe ne tubasuulirira ekibaleetera okulowooza nti, baboolebwa.**

## Ebirina okukolebwa abalina akawuka ka siriimu obuteekyawa olw'okusosolebwa

- Waliwo abalina akawuka ka siriimu abeekyawa olw'abantu okubasosola mu bitundu gye babeera n'okubasongangamu emimwa buli we bayita. Nazzinda agamba nti, wadde bangi basiŋŋaana okusoomoozebwa kuno n'okulumwa ne batambulira mu kuswala, okwennyika mu birowoozo oba olyawo n'okulowooza nti, eyo y'enkomerero ya buli kintu, balina okukimanyi nti, eyo si y'enkomerero kubanga waliwo n'abafa nga tebalina kawuka ka siriimu.
- Bakubirizibwa okusigala nga beekuumira ku ddagala kuba omuntu yenna akkiriza n'amira eddagala lye bulungi alina omukisa gw'okuba n'obulamu obuwanvu okusinga oyo alivuddeko.
- Abasoomoozebwa mu mbeera eno, basaanye okulaba omusawo waabwe oba ababudaabuda ne batambula nabo olugendo luno.
- Omusawo agamba nti, obulwadde buno bulina okutwalibwa nga obulwadde obulala kuba essawa yonna kino kituuka ku muntu yenna era y'ensonga lwaki abantu balina okuggyawo endowooza ey'okusosola ku bulwadde obuleetebwa akawuka ka siriimu ne bakimanya nti, nabwo bulwadde nga endwadde endala zonna eziyinza okukwata omuntu.